**<u>09th September 2018.</u>**

# OKUKKIRIZA III.

Amakya ga leero, oluvannyuma lw'okusomesebwa ku kukkiriza emirundi ebiri mwe tusomesebbwa ku kukkiriza okusinziira mu ssuula ey'ekkumi n'emu ey'ebbaluwa y'Abaebbulaniya, olw'obukulu bw'omulamwa guno, nasikirizibbwa okubaako ne bye tutegeera obulungi era ebikalaatirwa gye tuli ku mulamwa guno, naddala bwe kiri nga bwe twaayiga kiddiŋŋanwa mu byawandiikibwa nti "…Omutuukirivu aliba mulamu lwa kukkiriza". Ekituwa amakulu nti obulamu bwa buli oyo ayitibwa omukkiriza kwe kukkiriza kwe era okumutuukiriza eri Mukama Katonda waffe, oyo eyatonda eggulu n'ensi.

Twaakiraba nti ebigambo by'olunyiriri mu Kabakuuku 2:4 gye kiviira bikulu nnyo, olugamba nti "Laba oyo ow'emmeeme eteri nnongoofu wa kugwa, naye omutuukirivu aliba mulamu olw'okukkiriza kwe."

Nti era emirundi esatu gye kiddiŋŋanwa mu ndagaano empya kissa essira ku milamwa esatu egikirimu;….. Mu Baruumi 1:17, olugamba nti "Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa. Obutuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Katonda akkiriza abantu olw'okukkiriza kwabwe, era ekyo kye kiribaweesa obulamu." Awo essira nga liri ku kukkiriza.

Ne mu Bagalattiya 3:11, Paulo Omutume era mw'agamba nti "Kimanyiddwa bulungi nti tewali n'omu Katonda gw'awa butuukirivu olw'okukuuma amateeka, kubanga abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa kukkiriza". Awo essira nga liri ku butuukirivu.

Ne mu Baebbulaniya 10:38, olugamba nti "Omutuukirivu wange, anaabanga mulamu lwa kukkiriza, kyokka bw'adda emabega simusanyukira." Awo essira nga liri ku kubeera omulamu.

Ng'emilamwa gy'onsatule mikulu nnyo eri buli muntu okutegeera nti "Okukkiriza kwe kutuukiriza buli mulamu eri Mukama Katonda Kitaffe".

Nga bwe twaakiraba nti obutegeevu bw'okukkiriza kwe tusomesebwaako okwaawukana kw'okwo okwa bulijjo, buli omu kwakozesa buli kaseera,… kuno kwe kuba n'obwesige mu Mukama Katonda, mu linnya lya Yesu Kristo.

Ebimu ku bikulu bye tulina okumanya ku kukkiriza, okusooka kwe kuba nti kutuweebwa Mukama Yesu Kristo, nga bwe kitubuulirwa mu Baebbulaniya 12:2 nti Yesu y'atandika okukkiriza era y'akutuukiriza.

Abaefeso 2:8,9 …. "Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. Tekwatuweebwa lwa bikolwa byaffe; n'olwekyo omuntu yenna aleme okwenyumirizanga."

Amazima gali nti buli mukkiriza aweebwa ekigera k'okukkiriza ky'ekimu, enjawulo n'eba mu nkozesa y'akyo.

Okukkiriza kwo bwe kubaamu okubuusabuusa, okutya oba n'obutakkiriza bw'ennyini, kuba kunafu nnyo. Naye bw'okukuliriza n'okuzimba n'ebikolwa eby'okukkiriza kuba ng'okungi kuba kuba kwa maanyi.

Paulo Omutume agamba mu I Tim. 1:14, "Naye Mukama waffe yankwatirwa ekisa kingi n'ampa okukkiriza kungi, era n'okwagala kwe tufunira mu Kristo Yesu." Era olw'okusiima ennyo kw'okukkiriza kwe yaweebwa, ky'amusobozesa okuweereza Mukama ennyo.

Ekigambo kya Mukama mwe muva era omusinziirwa okumukkiririzaamu. Bar.10:17.. "N'olwekyo okukkiriza kujja olw'okuwulira ekigambo kya Kristo."

Tukiraba ne mu bigambo bya Yesu Kristo mu buweereza bwe nti wabaawo abalina okukkiriza okwamaanyi; (Matt. 8:8-10)……Okw'omukulu w'ekitongole ky'abaserikale ekikumi, ne (Matt. 15:21-28)…… Okw'omukazi Omukanani.

N'era ne wabaawo abaalina okukkiriza okunafu; (Matt. 6:30)… ne (Matt. 8:26).

Era obbikwaasaganya, tukiraba nga Paulo alambika okukkiriza okwaamaanyi ng'okwo okutwaala ekigambo kya Mukama nga kikulu era kituufu ne kumusinza, ate okunafu kwe kujja amaaso ku Mukama ne kutunuulira ebirala (embeera oba abantu) ne kwegatta n'okutya oba okweelariikirira, mu musomo ku Ibulayimu mu Baruumi 4.

Ekirala kikulu okkikakasa nti awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Abaeb. 11:6. Tweetegereze, tagamba nti kiba kizibu okusanyusa Katonda, wabula toyinza…..(It's not just difficult, but impossible).

Kye kiba kigoberera nti buli ekitava mu kukkiriza kiba kibi. (Bar. 14:23).

Bwe kiba nti buli kye tukola tulina kikola ng'eri Mukama ( Kkol. 3:23-25).

Era buli kibi oba kwoonoona kwaffe buba butakkiriza mu Mukama…..